# **Okuzaalibwa ogw'okubiri** – Regeneration [1] Luganda – English

Translation by Pastor Freddy Mutebi, Truth Gospel Church, Masaka, UGANDA

| **Okuzaalibwa ogw'okubiri** | **Regeneration** |
|---|---|
| Kino kye kikolwa Katonda mwayita okuteeka obulamu bw'obwakatonda mu muntu okuyita mukakwakulizo akamu akokukkiriza Yesu Kristo nga omulokozi wo. Wammanga bye bitundu bya Baibuli ebisangibwa mu njigiriza eno:<br>• Mu Yok 3:7 "Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.<br>• Mu Baef 2:7 " yatufuula balamu"<br>• Mu 1Yok 3:1,2 "abaana ba Katonda"<br>• Mu Tit. 3:5 "Okuzaalibwa ogw'okubiri".<br>Waliwo ebintu bingi ebikwata ku kuzaalibwa ogw'okubiri ebikulu okuteekako ebilowoozo. | Regeneration is the theological term for the Christian's "new" or "second" birth in Christ. By definition, regeneration is the act of God by which He imparts divine life to man upon the single condition of faith in Jesus Christ as personal Savior. Several words and phrases in the Bible express the concept of regeneration. The following passages show how frequently the doctrine of regeneration is found in the Bible.<br>• In John 3:7 the words "born again" express regeneration.<br>• In Eph. 2:5, the words "made alive" refer to regeneration, the new life<br>• In 2 Cor. 5:17, the words "new creation" speak of the new birth<br>• In 1 John 3:1, 2, the expression "children of God" refers to regeneration.<br>• In Titus 3:5, the word "regeneration" itself is used.<br>There are several aspects about regeneration which are important to give attention. |
| **Abantu bonna betaaga okuzaalibwa ogw'okubiri.**<br>Embeera yaffe ekibanja: Baef 2:1 agamba "twafiira" mu bibi. "okufa" ye mbeera ate "obulamu" (okuzaalibwa nate) nga kye kyokuddamu kyokka.<br>Obuzaaliranwa bukibanja. Bar 5:12 kino kiraga nga twaafa okusinziira kubuzaaliranwa. N'olwekyo, twetaaga okuzaalibwa obuggya, ekika ekipya, Taata omupya, byonna ebituweebwa bwe tuzaalibwa ogw'okubiri. | **All People Need Regeneration**<br>Our condition demands it. Eph. 2:1 declares us to be "dead" in sins. Death is a condition for which "life" (regeneration) is the only solution.<br>Out family connection demands it. Rom. 5:12 indicates that we are dead because of a family relationship. Therefore, we need a new birth, a new family, a new Father, all of which are provided by regeneration. |
| **Omutandisi w'okuzaalibwa ogw'okubiri: KATONDA**<br>Yok 1:13 agamba tulina "okuzaalibwa Katonda". | **The Author of Regeneration: GOD**<br>John 1:13 informs us that we must be "born of God." The word "of" points to the source and |

[1] Grace Notes, 1705 Aggie Lane, Austin, Texas 78757 USA Email: wdoud@gracenotes.info

| | |
|---|---|
| Katonda yensibuko y'obulamu obuggya era yatuzaala ogw'okubiri wano Katonda aggyawo enkola y'omuntu mu kuzaalibwa kuno akanyirir, "abatazaalibwa omusaayi" kalaga nga okuzaalibwa ogw'okubiri si kya nsikirano. Akanyiriri "newankubadde okwagala kw'omubiri" kalaga Obulamu bwa Katonda si kibala kya muntu kunoonya Katonda. "newankubadde okwagala kw'omuntu". Omuntu tavaamu bulamu butaggwaawo. | origin of the new life - God is the origin and source of regeneration.<br>John 1:13 eliminates all human aspects of regeneration. The phrase "not of blood" shows that regeneration cannot be inherited. The phrase "not of the will of the flesh" shows that God's life is not the fruit of a man's search for God. "Not of the will of man" - man cannot generate eternal life. |
| **Engeri ey'okuzaalibwa ogw'okubiri – Kigambo**<br>1Pet 1:23, Yok 1:18 ekigambo kya Katonda kye kituletera okuzaalibwa obuggya, kubanga ekigambo ekiwandiike mazima kiramu Baeb 4:12; Yok 6:63, Bik 7:38.<br>Kino kitegeeza okumanya (okuwulira) kwekusooka okuzaalibwa obuggya. Ekyamagero ky'obulamu obuggya tekisobola kubaawo awatali kubuulira kigambo kya Katonda mungeri emu oba endala. | **The Means of Regeneration - The Word of God**<br>1 Pet. 1:23 makes it clear that the written word of God is the means of the new birth, because the written word is actually the living Word (see also Heb. 4:12; John 6:63; Acts 7:38).<br>In practice, this means knowledge must precede the new birth. The miracle of the new birth cannot occur where the Word of God is not taught in some form. |
| **Amaanyi g'okuzaalibwa** ogw'okubiri<br>kuzuukira "Tuzaalibwa omulundi ogw'okubiri …. Olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo" 1Pet 1:3. Kino kitulaga amaanyi bwe gali agetaagisa okuzaalibwa ogw'okubiri. Okusinziira mu Baefeso 1:19, 20 amaanyi agazuukiza Kristo mu bafu ge maanyi aga kyasinze okulabika. Amaanyi gano gennyini galetera omuntu okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. | **The Power of Regeneration - The Resurrection**<br>We are "born again...by the resurrection of Jesus Christ", 1 Pet. 1:3. This shows us the kind of power needed for regeneration. According to Eph. 1:19, 20 the power that raised Christ from the dead is the greatest power ever displayed. This same power is applied in bringing regeneration to us. |
| **Ekikozesebwa ky'okuzaalibwa ogw'okubiri – kukkiriza:**<br>Bag 3:36 alaga nga okukkiriza gwe mukono ogutoola ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo. | **The Instrument of Regeneration - Faith**<br>Gal. 3:26 explains that faith is the hand by which we receive the gift of eternal life. |
| **Okuzaalibwa ogw'okubiri kwe kusinziira**<br>Omusaayi oba abayita kitaffe, 1Peet 1:17, 19, nga bwe kiri mu nnyumba y'abazaalibwa ogw'okubiri. Omusaayi gwa Kristo gwe gutuyinzisa (Oluny. 19). | **The Basis of Regeneration - Blood**<br>Those who call on the Father, 1 Pet. 1:17¬19, the family concept of regeneration. It is the blood of Christ that makes this possible (v. 19). |
| **Okuzaalibwa ogw'okubiri kuleetebwa – Omwoyo Omutukuvu:**<br>Yok. 3:6,6. Obwetaavu bw'okuzzlibwa bubaawo ku bw'Omwoyo Omutukuvu "omubiri" guzaala | **The Agent of Regeneration - The Holy Spirit**<br>John 3:5, 6, the necessity of birth through the agency of the Holy Spirit. "Flesh" begets "flesh", "spirit" begets "spirit". Divine life requires |

| | |
|---|---|
| mubiri 'n'omwoyo guzaala 'mwoyo' obulamu bw'obwakatonda bwetaaga bazadde babwakatonda (divine).<br>Yok 1:12---- yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda. | divine parents.<br>John 1:12 "...to them gave He power to become the children of God" |